
JJANGU KRISTU OTULOKOLE

Fr. Dr. Joseph Namukangula



2. Eddungu n'ensi enkalu byonna bisanyuke, olukoola lujaganye era lutojjere, lwake nga ekimyula, lujaganye anti Katonda waffe wuuyo ajja.
3. Mmwe ab'emitima emitiitiizi mwenna kati mugume, muleme kutya, mwenna mulabe, anti Katonda wammwe ow'okubawonya wuuyo ajja.
4. Olwo amaaso ga bamuzibe gonna gazibuke, n'amatu ga bakiggala nago gazibuke, olwo omulema alyebuukiza ng'ennangaazi, n'olulimi lwa kasiru luliyimba nga lujaganya.
5. Eddoboozi ly'oyo alangirira mu ddungu, mubonerere ebibi byammwe mwenna mwenenye, olwo buli muntu yenna lw'aliraba Katonda waffe bw'alokola.